# bazza abayizi ku masomero



Omwetissi ng'akulembeddemu omuyizi eyabadde ne nnyina nga badda ku ssomero. Kozesa Vision Digital Experience App olabe vidiyo.

## ABAZADDE BALAZE OBULUMI

● John Bosco Kalule ow'e Butambala agamba nti eky'okubasasuza ssente z'okwekulaakulaanya (Development fee) buli mwaka kinyiga kubanga abatandisi baago nabo babeera mu bizinensi, nga kikyamu okulifuula ekkatala ku bazadde.

Ono ayagala amasomero naddala agalina abaana abangi gabe n'abasawo abakugu ne ambyulensi.

● Wilson Kigozi Kajjajjata ow'e Kampala agamba nti amasomero agasinga buli lusoma olutuuka gaba mu mugano gwa kukuŋŋaanya bintu ne ssente okuva mu bazadde n'agamba nti, kino kivudde ku Gavumenti kulagajjalira byanjigiriza nga kati buli afunamu ku ssente azimba ssomero.

Ayagala Gavumenti etunule mu ntambuza y'abayizi nga bagenda okulambula nti, amasomero gasaba ssente nnyingi ate abaana ne babatikka ng'enku.

● Emmanuel Kityo ng'alina omuyizi mu ssomero erimu mu disitulikiti y'e Mukono agamba nti mu lusoma olwamalako omwaka oguwedde abakulira essomero baababategeeza nga bwe bagenda okutongoza enkola eya tekinologiya ey'okuweereza abayizi enkola eno yatandise kyokka abazadde ebigambo olw'emisoso egigiriko. Agamba, bw'oteeka ku akawunti y'omwana 50,000/-, bakusala 4,100/- ate 100,000/- bakusala 6,100/-.

● Joyce Namubiru ow'e Kawaala mu munisipaali y'e Lubaga atenda essomero erimu e Nabweru eryabasaba kkiro z'omuceere ne ssukaali omupaakinge. Agamba nti byonna baagala kkiro 4 kyokka ekimuluma abaana omuceere bagulya omulundi gumu mu wiiki.

● Julie Nalumansi e Naggulu mu Kampala yagambye nti kyamubuuseeko okutuusa omwana ku ssomero mu kitundu kino ng'aguze ebitabo ne kalonda omulala kyokka abaliddukanyane bakamutema nti ebitabo birina kugulibwa ku ssomero nga biriko obubonero bw'essomero.

● Betty Jjuuko e Nateete agamba nti ye akooye amasomero agaguzisa abaana text book buli lusoma nga galinga agatalina layibulale. Ne liimu z'empapula eza buli lusoma agamba binyiga abazadde.

## *Abantu bye bagamba*



**Godfrey Katongole: Abazadde tuvita mu kunyigirizibwa kungi ku masomero. Ebikozesebwa basaba bingi ate bya buseere naye ate n'obukwakkulizo ku masomero butunyiga.**



**Godffrey Ssemyalo: Okusoma kw'omulembe guno kwafuuse kwa bbeeyi nnyo era buli muzadde yeesibe bbiri. Gavumenti eveeyo eruŋŋamye ku byetaago by'amasomero, ekendeeze ne ffiizi naye tufa!**



**Faridah Nakabugo: Nsaba bazadde bannange buli omu amanye ensawo ye w'ekoma ng'anoonya essomero kubanga agasinga gaafuuka bizinensi. Minisitule y'ebyenjigiriza eveeyo ku kya ffiizi.**



**Nicholas Kaweesi: Gavumenti yateekawo bonna basome mu masomero gaayo kyokka abazadde bangi twesanze mu kusoomoozebwa kw'ebyetaago ekumuliitu ebisabibwa mu masomero ag'obwannannyini.**

# Ebintu 23 ebinyize abazadde nga

Bya PONSIANO NSIMBI, LAWRENCE KIZITO, FAISAL KIZZA NE SAMUEL KANYIKE

ABAZADDE balaze obulumi amasomero ge bubayisizzaamu mu kutwalayo abayizi ku mulundi guno ne bakukkulumira Gavumenti n'Abakulira enzikiriza mu ggwanga obutabaako kye bakola ku mbeera eno.

Bakaaba lwa masomero kubanyuunyuuntamu ssente ne bawulira nga beenyinye abamu ne bibalemesa n'okuzzaayo abaana mu budde.

Olusoma olusooka olwatandise eggulo, amasomero mangi gaabadde ku mugano nga gwa nswa, nga gasolooza abazadde awatali kwesikamu nga kwe batadde n'okubayisa obubi ddala. Lipooti eyafulumizibwa ekitongole ky'ensi yonna ekivunaanyizibwa ku baana ekya UNICEF mu 2021/2022, yalaga nga Uganda y'emu ku nsi nga ffamire zaayo ebitundu 30 ku 100 okuweerera abaana zirina kumala kwewola, ekibaavuwaza.

Okusinziira ku lipooti y'akakiiko k'obwenkanya aka 'Equal Opportunities Commission' eya 2024, obunyuunyunsi obuli mu masomero ssinga tebukolwako mu bwangu, abaana bangi tebagenda kufuna mukisa gusoma, ekiteeka ebiseera by'omu maaso eby'eggwanga mu katyabaga. Era lipooti erabula nti abazadde bangi tebagenda kusobola kukulaakulana olw'ekizibu ky'okuweerera abaana ekifuuse kagumba weegoge, ng'amaka mangi gagenda kwongera okwavuwala, ate abaavu basigale nga baavu nnyo, olw'obutafuna mukisa kutendeka baana baabwe mu masomero agalimu omulamwa.

Abalala abeekakaba beesanga nga ssente ezandiyambye okusitula omutindo gw'amaka n'okutandikawo oba okwongera mu bizinensi zonna ziggweera mu masomero nga kwe bagasse n'okwewola! Okunoonyereza kulaga nti ekisinga okulaga okunyuunyunta, kwe kuba ng'amasomero g'obwannannyini ag'ebbeeyi buli lukya geeyongera kugaziwa n'okugula ebyalo kwe gali.

Kyokka go agali ku misingi gy'amadiini, mangi tegalina kinene kiri awo kye gazimba okuggyako okwejalabya, naye nga gasaba abazadde obuwanana bwa ssente n'okusinga ag'obwannannyini era ekisinga okwewuunyisa abazadde, kwe kuba nga Bannaddiini bannyinigo nabo tebanyega!

## EBINTU ABAZADDE BYE BEENYIYE

1 Ebitabo ebiyambako abayizi mu kusoma. Abazadde balina omugugu gw'okugula ebitabo (Text Books), buli mwaka kyokka nga mu byetaago by'amasomero basasula Library Fee' ezandibadde zigula ebitabo bino. Bwe kituuka ku muyizi wa ssaayansi kiyitirira, nga ebisomesebwa mu masomo ago kumpi ebisinga birina ebitabo byabyo eby'enjawulo. Abazadde beebuuza nti zo library zaaki? Bo abayizi b'ennaku zino banjawulo nnyo ku b'edda abaakozesezanga awamu ebitabo ne bayita? Amasomero agatabayigirizza kukolera wamu n'okuyambagana banaaba batya mu nsi?

2. Okukaka abazadde okugula ebitabo, ekkalaamu, ne ppeeni ku masomero. Amasomero agamu Bukedde ge yatuuseemu ng'enoonyereza, yazudde ng'omuzadde bamusalira ssente z'awaayo essomero ne limugulira ebitabo ne ppeeni ze lyagala, ku bbeeyi eya waggulu ennyo ate nga mu maduuka basobola okubifuna ku layisi.

3. Ssente z'okulambula ez'obuwaze. Amasomero gategeka okulambula ne gateekawo ssente eza waggulu ennyo omuzadde z'alina okusasula ate nga za buwaze.

4. Ssente z'okumala emisomo. Mu masomero omuli abayizi ab'enzikiriza za Kristu, basaba ssente ez'okumala emisomo gy'eddiini. Ku kkanisa oba Kleziya tebasukka mitwalo ena, wabula amasomero agamu gasaba emitwalo 10!

5. Poketi manne omugereke. Amasomero agamu, abazadde bagamba nti bakooye okubasalira ssente eziyamba omuyizi ku ssomero, kyokka nga buli kimu kye yeetaaga baakisasudde. Abazadde bagamba nti bandisigazizza ebbeetu eriwa abaana baabwe ssente ze basobola.

6. Enkola z'okusasuliramu ffiizi. Amasomero gaaleese enkola z'okusasulira ffiizi ku ssimu, kyokka ne bateekamu akalippo nga bw'oba toweza ssente ze beetaaga ne bw'okola otya, z'olinako tezigenda. Bwe baba baagala oyingire ng'osasuddeko 1,000,000/-ne bw'osindika emitwalo 99 tezigenda, ate ng'okukkiriza okuyingira olina okuba ng'osasudde ze baagala!

7. Amasomero agagaana abazadde okutwala emmere go ne gagibaguza ku buseere nga bakyalidde abayizi. Abazadde baalaze obulumi nti, bw'osangibwa nga tolina ssente osiiba njala n'omwana wo. Abazadde bagamba nti kirabika abakulira amasomero balowooza nti abazadde balina ssente kubanga baasobodde okusasula ffiizi ennyingi so nga kuba kwewaayo oluusi omuba n'okugwa ku mabanja.

8. Enkola ey'okusasula ebitundu 80 ku 100 oba okumalayo ffiizi zonna okusobola okukkiriza omwana okuyingira essomero. Kino abazadde kibatawaanya obwongo, kubanga okusoma kusobola okutandika nga tannafuna ssente zonna naye ng'azisuubira mu bbanga ttono.

9. Ebyetaago eby'obuwaze ebirina okugulibwa ku masomero ku buseere ate nga bisobola okugulibwa ebweru ku layisi. Amasomero agamu gasaba bbayiro ez'ebbeeyi (Fountain pen) buli emu egula wakati we 4,000/- ne 5,000/- ate ezaabulijjo zigula 500/- ne 1,000/-.

10. Emisoso gy'okusasulira amasomo ag'enjawulo n'ebyemizannyo ate nga buli gumu gulina omutemwa ogw'enjawulo okugeza, omupiira, okuwuga, okufumba...

11. Ssente z'omusingo ezisasulibwa mu kufuna ebifo mu masomero eri abayizi abapya. Zino zaawukana okusinziira ku ssomero, kyokka za kaweerege kuba osooka kuzisasula nga tonnafuna bbaluwa ewa muyizi kifo era bw'olwawo ekifo kikufa.

12. Ssente z'okwewandiisa mu UNEB ez'abayizi ba P7, S.4 ne S.6 tezikwatagana n'ezaagerekebwa UNEB kyokka ssinga zikubula, omwana yandiremwa okuwandiisibwa okutuula ebigezo by'akamaliirizo.

13. Olukunkumuli lwa yunifoomu ezisabibwa ku masomero ate nga zigula buwanana. Amasomero agasinga tegakkiriza muzadde kugula yunifoomu bweru, kazibe sitookisi. Amalala naddala ag'obwannannyini n'engatto ozigula ku ssomero.

14. Obukwakkulizo ku byetaago ebimu. Amasomero agamu galina ebika by'ebintu bye basaba, bw'otwala ekyawukanako omwana oyinza okuddayo naye awaka. Okugeza liimu z'empapula agamu gasaba Double A, omuceere, ssukaali, ssabuuni n'ebirala.

15. Abakulu b'amasomero bannakyemalira abateebuuza ku bazadde nga bayisa amateeka n'ebiragiro ku byetaago by'abayizi. Kuno kwe bateeka okulengezza n'okujereegerera abazadde ababa n'endowooza eyawukana ku yaabwe.

16. Obukwakkulizo obukakali ku nnaku ez'okuzza abaana ku masomero. Amasomero agamu naddala amagundiivu (Traditional schools), abaana balina okutuuka ku ssomero ku Lwomukaaga oba ku Ssande. Omuzadde alemererwa, alina kulinda wiikendi eddako.

17. Ssente z'okwekulaakulanya ezisasuzibwa abazadde (Development fee). Abazadde balaze nti zibaluma kubanga bazisasula buli ttaamu, ate ne babasaba n'endala omuli ez'okuzimba (Building Fund), ez'okugula bbaasi ne weebuuza ez'okwekulaakulanya kye zikola.

18. Okubaguza ebyetaago bye batwala ku masomero. Abazadde abamu balumiriza abaamasomero okubatuukirira mu mpola ne baddamu okubaguza ebintu ng'ebitabo, enjeyo, ebisiimula, liimu ku bbeeyi eya wansi. Olwo abasomesa baba batunda abazadde bye baaleeta!

19. Ssente z'obujjanjabi eziri wakati wa 30,000/- ne 100,000/- nazo abazadde bazeevuma kuba abaana bwe balwala baweebwa panado ate oluusi ne bakubira omuzadde anone omwana amwejjanjabire. Ate abalina abayizi abawala nabo beemulugunya olw'okubasasuza ssente empitirivu okubakebera embuto. Ku masomero agamu basaba 50,000/- kyokka nga mu malwaliro olubuto balukeberera 10,000/- gwokka.





Ebimu ku byetaago enkumuliitu amasomero bye gakanda abazadde ne batuuka n'okwenyiwa okuweerera.

## ABAKUGU BAWADDE AMAGEZI

*Eyaliko ssentebe wa UNEB, Fagil Mandy,* yagambye nti kino ekizibu kya maanyi kubanga sisitiimu yonna efuuse ya bubbi ng'omuzadde talina buddukiro okuggyako okukafiiramu. N'agamba nti, eddagala liri mu minisitule y'ebyenjigiriza, erina okusitukiramu okulunnamya ku kya ffiizi n'ebyetaago, kikome ku bannanyini masomero.

*Eyaliko Dayirekita w'ebyenjigiriza ebisookerwako mu minisitule y'ebyenjigiriza n'emizannyo, Ismail Mulindwa,* agamba ekizibu kino okukimalawo, buvunaanyizibwa bwa bazadde. Yabagambye bakomye okutwala abayizi mu masomero ge baagala, wabula babatwale mu ge basobola. N'agamba nti, Gavumenti yandibadde eteeka obukkwakkulizo ku batandika amasomero bamanye nti buno buweereza si kukola magoba gayitiridde.

*Eyaliko Kaminsona mu minisitule y'ebyenjigiriza, Tony Mukasa Lusambu,* yagambye nti ekizibu kino kivudde ku kuyaayaana kw'abazadde nga banoonya omutindo gw'ebyenjigiriza, kyokka nga gye baddukira babasasuza buwanana, ng'ate tebalina busobozi kuzimba muntu ajjudde. Yawadde amagezi nti Gavumenti erina okunyweza amasomero gaayo, gawe ebyenjigiriza eby'omutindo eri Bannayuganda, babeere nga tebeegomba masomero ga banyuunyunsi.